Okukola engatto mu mipiira gya mmotoka egikaddiye

Country: Uganda

Partner: Cotfone

Funded by the Erasmus+ Programme of the European Union

The European Commission support for the production of this publication does not constitute an endorsement of the contents which reflects the views only of the authors, and the Commission cannot be held responsible for any use which may be made of the information contained therein.

COTFONE ejja kutumbula okukozesa kasasiro mu ngeri ey'omugaso nga essa essira okukola engatto engumu, ate aza ssente entono, mu mipiira gya mmotoka egikaddiye. COTFONE eronze okutumbula okukola engatto mu mipiira gya mmotoka egikaddiye kubanga omulimo guno tegwetaagisa bikozesebwa bingi; ate engatto ezigukolebwamu mpangaazi era nnyangu okutunda.

Engatto ezikolebwa mu mipiira gya mmotoka egikaddiye zaagalibwa mu Uganda , naddala mu bantu abakola emirimo egibawalirirza okuyita mu nsiko, mazzi, ne mu ttosi. Bano beetaga engatto ezibawa emirembe ate nga zibayamba obutafumitibwa maggwa n'ebirala. Engatto zino era zettanirwa nnyo abavubuka abanoonya ebyomulembe ebiwangaazi naye ate nga bya bbeyi ntono. Eby'okulabirako by'engatto ezikolebwa mu mipiira gya mmotoka egikaddiye bibiino:

Funded by the Erasmus+ Programme of the European Union

The European Commission support for the production of this publication does not constitute an endorsement of the contents which reflects the views only of the authors, and the Commission cannot be held responsible for any use which may be made of the information contained therein.

COTFONE ejja kutumbula okukozesa kasasiro mu ngeri ey'omugaso nga eyita mu kutumbula engatto ezikolebwa mu mipiira gya mmotoka egikaddiye wamu nabavubuka COTFONE berudde nga ekolagana nabo. Bano COTFONE yabakunga dda era omulimo gujja kutambula bukkwakku. COTFONE ejja kutandika n'abasomesa b'essomera lya COTFONE (bano bali 15 era bavubuka abali waggulu w'emyaka 18). Abasomesa bano bajja kuweebwa obukugu mu kukola engatto ezikolebwa mu mipiira gya mmotoka egikaddiye. Bano nga baweeredwa obukugu bajja kusobola bulungi okweyambisa obukugu buno okusomesa abavubuka abalala (abasooma, n'abatasoma); wamu n'okwetumbula mu by'enfuna zaabwe bo bennyini.

COTFONE esomesa abayizi ba COTFONE schools okuluka ebibbo, okuluka emizinga emiguwa n'ebirala. Abayizi bano, nabo bajja kuweebwa obukugu mu kukola engatto ezikolebwa mu mipiira gya mmotoka egikaddiye. Ku abo COTFONE ejja kugattako abaana n'abavubuka abatasoma naye nga bali mu maka abayizi baffe gye bava.

COTFONE nga eyita mu pulojekiti eno ya kuwa abavubuka b'omu kyalo bangi (abawala n'abalenzi) emikisa okwetandikira emirimo eginaabayamba okutuukiriza ebirooto byabwe mu by'enjigiriza wamu n'ebyenfuna.Naye okusinga byonna COTFONE yakukozesa pulojekiti eno okukunga abantu bonna mu bitundu COTFONE gyekolera obutayonoona butonde bwansi nga bakozesa kasasiro mu ngeri ey'omugaso.